| Essomo 4 | الدرس الرابع |
| --- | --- |

# Nekyokulabirako kubitendo:

Agamba Allah mu Surat Maida Aya. 64
Agamba nti baagamba abayudaaya nti emikono gya Allah mikolige misibe (tasobola kugaba) agamba Allah nti egyabwe gyegyakoligwa era nebakolimirwa kulwekyo kyebaayogera, wabula emikonogye Allah myanjulukufu gyombi agaba nga bwayagala, bwatyo Allah neyekakasaako emikono mubitendo bibiri nti era n'okugaba agaba okugaba okugazi n'olwekyo nekiba nga kitukakatako okukkiriza nti Allah alina emikono ebiri.
Ate Atakiyiifu – kwekufananya engeri yebitendo bya Allah gyebilimu oba gyebikolamu  n'ogamba nti Allah alaba bwati oba awulira bwati:
Ate Attamuttiiru-okufananya nebyebitonde okugeza nga bwoganba nti ebitendo bye bifaanana nebyebitonde okugeza Allah aka okuva waggulu ngomu muffe bwakka ku madaala era Allah bwagamba nti alina emikono ebiri myanjulukufu mukugaba n'okugaba ebyengera. Tukkiriza bwetutyo naye kyatteeka gyetuli okwewaza emitima gyaffe okutandika okutebeleza wadde ennimi zaffe okyogera olwokwagala okufuuka ku ngeri emikono gye gyegigabamu oba gyegifaananamu olwokwewala okugifananya emikono gyebitonde kukbanga Allah agamba mu Qur'an Aya 11 Surat Shuura;
Agamba nti talina kyonna Allah kimufanana era ye awulira nnyo era alaba nnyo,
Mukuwumba wumba kunsonga eno kumuteeko gwa Tawuhiid guno kwekukakasa nti tukakasa ku Allah ekyo kyonna kyeyekakasaako oba kyeyamukakasaako nabbiwe era netumujjako ekyo kyeyejjako oba kyeyamujja nabbiwe omubaka Muhammadi SAW mumanya nebitendo ewatali kubikyusa makulu gabyo nga bwetwalaba wadde okubifaananya ebyebitonde wadde okufaananya enkola yabyo wadde okubijjilawo ddala.